# Minisita abatenderezza ku masomo g'ebyemikono

BYA JOSEPH MUTEBI

MINISITA w'ebyenjigiriza n'emizannyo Janet Museveni asanyukidde abatandiisi b'essomero ly'ebyemikono e Kikyusa mu Luweero olw'okutandika ku kaweefube w'okumalawo ebbula ly'emirimu mu bavubuka b'omu kitundu kino.

Nga minisitule tugenda kuwagira abatandisi b'ettendekero ly'ebyemikono erya 'Muslim Ambassadors of Uganda" (MAU) okulaba nga mutuuka ku kigendererwa kyabwe.

Kimpadde essanyu okubeera nammwe nga mutikkira abayizi bammwe abakuguse mu by'emikono abasukka mu 100, abasoose mu ttendekero lya "Muslim Ambassadors of Uganda" erisangibwa ku kyalo Masinga mu ggombolola y'e Kikyusa mu Luweero ku mukolo ogw'ebyafaayo

"Wadde kikulu nnyo gye muli ng'abatandsiisi b'ettendekero lino okutuuka ku lunaku luno mu bulamu bwamwe , ffenna ng'eggwanga tufunyemu," Obwo bwe bubaka bwa minisita Janet Museveni obwamusomeddwa akulira ofiisi ya ssentebe wa NRM mu ggwanga Hajat Hadija Namyalo eyamukiikiridde.

Omukolo guno gwabaddewo ku Lwokutaano ku kyalo Masinga mu ggombolola y'e Kikyusa mu Luweero okwabadde n'amatikkira g'abayizi baabwe abasukka mu 100, abasoose abakuguze mu massomo eg'enjawulo

Akulira ettendekero lino Kasim Male yategeezza nti balina amatendekero g'ebyemikono wansi wa kitongole kya "Muslim Ambassadors of Uganda" agawera 116 okwetoloola Uganda yonna. Nga eryasooka lyatandikibwawo mu 2017 wabula ne beewandiisa mu mateeka mu 2019.



Hajjat Hadijah Namyalo (wakati) eyakiiridde Muky. Museveni ng'ali n'abettendekero mu kusa keeki.